# Olutalo lw'ennyanja okweddiza ebitundu byayo lutandika butandisi


WAKATI wa 2020 ne 2021 ennyanja Nalubaale (Victoria) yajjula amazzi ne gabooga ne gamira ebyalo ebigiriraanye, okusaanyaawo ebintu n'ebizimbe, amakolero n'okutta abamu.


Ennyanja Nalubaale (Victoria) y'esinga mu nsi yonna obunene mu nnyanja ezirina amazzi g'osobola okukozeserezaawo era eyimirizzaawo obukadde n'obukadde bw'abantu mu mawanga g'Obuvanjuba asatu agagigabana okuli Uganda, Kenya ne Tanzania.

Mu mboozi z'okunoonyereza kwa Bukedde okwassibwamu ssente ekitongole ky'amawulire ekya African Center For Media Excellence akizudde nti, embeera y'ennyanja yeeraliikiriza olw'engeri kasasiro ne kazambi gye bigisaanyaawo, envuba emenya amateeka, ebikolwa n'enneeyisa y'abantu gye byonoona omutindo gw'amazzi, okusaanyaawo kw'ebifo omuzaalira ebyennyanja n'okukendeera kw'ebyennyanja.

Ensonga y'okutaasa ennyanja Nalubaale, y'emu ku bikulu ebyogeddwaako mu kunoonya akalulu k'abakulembeze okwakakomekkerezebwa. Mu kunoonyereza kwaffe, HERBERT MUSOKE, akulaga ensonga ezivuddeko okusaanyizibwawo kw'ennyanja n'ekiteekeddwa okukolebwa okugitaasa okuva eri buli Munnayuganda.


Ebyasigala ku kifo kya Sangaalo beach ekyasaanyizibwawo amazzi.


Ssentebe Lawrence Mugaya.


Ssentebe Deo Nsamba.


Juliet Anyango.

### ENNYANJA YAMIRA EKYALO

Bw'otuuka ku kyalo Kagera ekisangibwa ku mwalo gw'e Kasensero mu disitulikiti y'e Kyotera, olaba obukambwe bw'ennyanja mu lutalo lw'okwerwanako okweddiza ebitundu byayo abantu bye beesenzezzaako efe ekituyiro.

Lawrence Mugaya, Ssentebe wa Kasensero Central, bwe basalagana ne Kazinga, agamba nti, baali bamaze ennaku nga bawulira n'okulaba amawulire g'amazzi aganjadde mu bitundu bya Uganda, Kenya ne Tanzania eby'enjawulo ebiriraanye Nalubaale, wabula nga nabo balaga geeyongedde obungi naye nga tegatiisa.

Olw'okuba baali baleseewo mmita 200 eziragirwa okuva ku nnyanja buli omu yali mugumu nti, amazzi ne bwe ganeeyongera, tegagenda kutuuka mu mayumba ne bizinensi zaabwe.

"Twebaka nga bulijjo, wabula okugenda okukeera ng'amayumba gonna gali mu nnyanja. Mu kiseera ekyo buli omu yalina kutaasa bulamu, ebintu byonna byalekebwa awo era twebaza Katonda nti tetwafiirwa muntu n'omu," Mugaya bw'agamba.

Annyonnyola nti, ebyalo byabwe byombi byaliko abantu abasoba mu 15,000 kyokka leero kwasigalako abantu nga 2,000 bokka, anti ekyalo Kagera kyonna kyasaanyizibwawo amazzi kyokka nga bano amayumba gaabwe baagafuluma na bulamu nga tebasobola kubeerako wadde kye bataasa.

### E KASENSERO NAYO AMAZZI GAABALUMBA

Okusinziira ku Deo Nsamba, Ssentebe wa Kasensero Town Council, omwalo gwa Kasensero gusangibwa wakati w'ennyanja Nalubaale n'omugga Kagera ekyaleetera amazzi okweyongera mu bwangu.

"Amazzi gano gaava ku nkuba eyali efudemba mu bitundu by'ensi eby'enjawulo nga Rwanda, ng'eno Kagera gy'ava olwo amazzi ne gajja nga geeyongera. Olw'okuba eyiwa mu Nalubaale, amazzi gano geeyongera ne galya mmita ezisoba mu 600 okuva we gaali gakoma era bw'otuuka wano oyinza okulowooza nti, twazimba ne tulumba ennyanja," Nsamba bw'agamba.

Abaguku mu by'obutonde balabula nti, akaseera ennyanja okutandika okwerwanako ke kano olw'onoonebwa abantu kwe bakoze okumala akaseera era buli muntu akola eky'okugisaanyaawo agenda kusasulira okuggyako nga waliwo ekikoleddwa eky'amangu.

Bagamba nti, buli mwalo na buli munnansi ateekeddwa okutwala obubaka bw'ennyanja obw'okuwa embalama z'ennyanja ekitiibwa.

"Okulinnya n'okweyongera kw'obungi bw'amazzi tekulina kukwatibwa ng'akatyabaga k'obutonde, wabula okulabula okw'ekiyinza okutuukawo singa obutonde butomeregana n'ebikolwa by'obutafaayo kw'abantu," bwe bagamba.

Mu bitundu nga Kampala, Mukono, Entebbe, Wakiso, Jinja, Buikwe, Busia n'awalala amazzi gaasalako ebyalo n'ebitundu ebiriraanye ennyanja Nalubaale era amayumba g'abagagga, ebizimbe ne bizinensi ebyali bizimbiddwa okugiriraana byamiribwa ennyanja.

### E BUSIA AMAZZI GAAMIRA EBIZIMBE

Ku mwalo Maduwa e Busia, ekitundu ku kifo ekisanyukirwamu ekya Sangaalo Beach, kyasaanyizibwawo nga bw'otuukawo leero olaba mpagi za bizimbe ebyaliwo mu mmita nga 200. Ebifo ebyakolebwa okuteekerwateekerwamu ebyennyanja nga sitoowa, emidaala n'ebirala byamiribwa amazzi abavubi ab'enjawulo nga balina kudduka bataase obulamu.

Juliet Anyango, eyalina edduuka eritunda ebikozesebwa mu bulamu obwabulijjo y'omu ku baafiirizibwa bizinensi zaabwe obulamu bwonna ne buziikibwa.

"Twagenda okuzuukuka nga tuli mu mazzi wakati. Amazzi bwe geegattako okukendeera kw'ebyennyanja, bizinensi zaasaanyizibwawo. Nali nkola waakiri 200,000/- ng'amagoba buli lunaku kyokka leero nfuna 30,000/- ate nga nakyo kibeera ng'eky'amagero," bw'agamba.

## Singa tetukyusa, ebizibu by'amazzi bikyajja - Byaruhanga

### ENNYANJA EKYATUBONEREZA

Joseph Byaruhanga, akulira eby'obutonde mu disitulikiti y'e Kalangala, agamba nti, buli muntu alina okukimanya nti, amazzi agajjuza Nalubaale gava mu migga egikulukuta okuva mu bitundu eby'enjawulo era nga singa buli omu takola ky'ateekeddwa okukola, ebizibu by'amazzi bikyajja.

"Ebintu naddala ebiri ku mbalama z'ennyanja okukula nga bifuuka ebibuga ekikendeezezza obugazi bw'ekitundu ennyanja weerina okussiza. Abantu abasinga bwe bazimba empya bazissaamu peevazi ne kolaasi. Kino kikendeeza obungi bw'amazzi agayingira mu ttaka ekyongera okukulugguka kw'ettaka, amataba n'okwonooneka kw'omutindo gw'amazzi," Anyango bw'agamba.

Enkulaakulana ezikolebwa abakulira ebitundu bino ebikula okufuuka ebibuga ng'omwala gwa Nakivubo mu Kampala egikuluggusa mukoka okutuuka mu nnyanja Nalubaale. Embeera y'emu eri mu bitundi ebirala ebiriraanye Nalubaale nga Jinja, Kiyindi mu Buikwe, Buikwe, Busia, Masese n'awalala.

### OKUFIIRIZIBWA OLW'AMAZZI

Mu kaseera k'amazzi okumira ebyalo, eyali omwogezi wa poliisi Fred Enanga, yategeeza nti, amaka agasoba mu 778 ge gaasaanyizibwawo. Amasomero, enguudo, amalwaliro, amakolero n'ebirala nabyo byasaanyizibwawo.

"Okulinnya kw'amazzi kwava ku migga egy'enjawulo egiyiwa mu Nalubaale egyajjuza amazzi ebitundu eby'enjawulo mu distulikiti okuli; Apac, Nakasongola, Kwania, Oyam, Kole, Otuke, Dokolo ne Lira n'endala zaakosebwa ng'enguudo ng'olwa Akokoro olugatta Apac ku Nakasongola okuyita ku kidyeri," Enanga bwe yategeeza.

Mu kiseera kye kimu, amawulire g'e Kenya gaalaga nti, abantu abasoba mu 300 bafiira mu mazzi n'abalala abasoba mu 20,000 basalibwako amazzi mu bitundu nga Kisumu, Busia, Saiya ne Homa Bay.


Ebifulukwa ebyasigala ku kyalo Kagera e Kasensero.

Ate mu Tanzania abantu abasoba mu 5,000 be baalekebwa nga tebalina waakusula nga baakosebwa ebitundu bya Kagera ne Musoma. Lipoota yalaga nti, abantu 481,000 be baalekebwa nga tebalina we basula mu mawanga g'Obuvanjuba bw'Africa.

**Alina ky'obuuza, okuwabula oba okuteesa kwatagana naffe okuyita ku email; news@newvision.co.ug oba WhatsApp: +25677460776.**